# 455. BALINA OMUKISA BANO

**Fr James Kabuye**




2. Anti yagizimba ku mayanja, n'aginyweza ng'agiteekamu emigga,
   Omutonzi w'ensi mmwebaza mmutenda.
3. Ani alyambuka ku lusozi lw'Omukama, n'ayimirira mu kifo ekitukuvu?
   Ow'emikono omutali misango, ow'omutima omutukuvu?
4. Atateeka mwoyo ku ebyo ebitagasa, n'atakwenyakwenya munne ng'alayira
   Ow'emikono omutali misango, ow'omutima omutukuvu?
5. Ono alifuna omukisa ew'Omukama, n'empeera ewa Katonda eyamulokola.
   Lino ly'ezzadde ly'abanoonya, amaaso ga Katonda oyo owa Yakobo.
6. Emiryango nammwe musitule obubuno, n'enzigi mwenna ez'edda mwesitule
   Kabaka nnyini ow'ekitiibwa, ayingire kati.
7. Kabaka sso ow'ekitiibwa y'ani oyo?
   Omukama omuzira omuyinza, omuzira kayingo mu ntalo.